**18th August 2019.**

# EMIGANYULO GY'OKKULA MU KUTEGEERA KATONDA.

**Abakkolosaayi 1:11-14.**

Mu kweyongerayo kwaffe kw'okusomesebwa mu kitundu mwe tuli mu kitabo ky'ebbaluwa ya Paulo eri Abakkolosaayi n'era amakya ga leero tunaalaba okuyungirwa kw'ebyo bye twayigirizibwa omulundi oguwedde, bye tutaakomako olw'obudde, nga gy'emiganyulo gy'okkula mu kutegeera Katonda, kye twaalaba nga y'essaala egwanira okusabiranga ekkanisa, nga bwe twaasomesebwa omulundi oguwedde. Bwe twayigirizibwa nga bwe kiri ekikulu ennyo okusabanga Mukama okujjuzibwa okumanya Katonda by'ayagala mu magezi gonna ne mu kutegeera okw'omwoyo. Ekikulu ennyo kubanga okumanya n'okutegeera biwa okukkiriza omusingi omugumu. N'olw'ekyo ng'Omutume Paulo ne banne bwe baasabiranga Abakkolosaayi, naffe tujjumbire okusabiragananga okweyongera okukula mu kisa ne mu kutegeera Mukama waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo.

Nga bwe guli nti buli ssaala esabwa obutuufu, obukakafu bw'amakulu gaayo kwe kuddibwaamu kwaayo, n'okusaba okwo kwalina okuba nga kuleetera abaasabirwa bino wammanga, naffe ebitugwaanidde okufuna oba okuba…….
Enny. 11-14…….

***11*** Bwe tujjuzibwa okumanya Katonda by'ayagala mu magezi gonna ne mu kutegeera okw'omwoyo, era ne tutambulanga nga tusiimibwa Mukama era nga tumusanyusa mu buli byonna bye tukola, era nga tubala ebibala mu buli mulimu omulungi, era nga tukula mu kutegeera Katonda, ng'okuddibwaamu kw'okusaba n'okwegayiririra bwe kwaali kwe twaalaba omulundi oguwedde, okusooka, Amaanyi ag'ekitiibwa kye, gatufuula abagumiikiriza mu buli nsonga yonna.
Ky'ekimu kye yasabira Abaefeso mu 3:16 nti "Nsaba Katonda oyo akola eby'ekitalo era agulumizibwa, agumyenga era anywezenga omuntu wammwe ow'omunda, olw'Omwoyo we."
Obugumiikiriza y'ensibuko y'okunyweezebwa mu kwagala kwa Mukama gyetuli, bwe kubeezebwa mu kumanya kw'okwagala kwe.
Bwe tuba mu kweelariikirira oba mu kubuna emiwabo tekituleetera kubeerwa kwa Mukama. Yakobo 1:6-8…..

Mu Yakobo 1:4, kye tuva tugambwa nti "Omulimu gw'okugumiikiriza bwe gutuukirira, ne mulyoka mufuuka abatuukiridde era abakulidde ddala mu mwoyo, nga temulina kibabulako."
Ekyo kye kituleetera okuba abasanyufu buli kiseera na mu buli mbeera, nga bwagamba ...... "mulyoke musanyuke,...."
Emirundi egisinga, amaanyi g'ekitiibwa kya Mukama, abalokole basinga kulowooza bbaleetera bugagga, na birungi eby'ensi, oba kubotola eri obweetaavu bwaabwe, ekitali kibi naye ate ekitamala, kubanga, ebyo Mukama ssi byasinga ottweetaaza, mu kutuukirira gyaali.

***12*** Wabula bwe tufuuka abatuukiridde era abakulidde ddala mu mwoyo, nga tetulina kitubulako, mu ssanyu mwe tutambuliza okukkiriza kwaffe mu Mukama, twebaza Kitaffe eyatusaanyiza okugabana ku birungi bye yategekera abantu be abatukuvu ab'obwakabaka obw'ekitangaala. Nga Peetero bwe yagamba mu 1Pet. 2:9 "Naye mwe muli kika kironde, bakabona bw'obwakabaka, eggwanga ettukuvu, abantu ba Katonda bennyini. Mwalondebwa mulyoke mutende ebirungi bya Katonda eyabaggya mu kizikiza n'abayingiza mu butangaavu bwe obutenkanika."
Era ekigambisa Paulo mu Baefeso 5:8-11 "Edda mwali ng'abantu ab'ekizikiza, naye kaakano muli bantu ba musana mu Mukama waffe. N'olwekyo mutambulenga ng'abaana ab'omusana, ekitangaala kyammwe kirabisibwe. Mubale ebibala eby'omusana nga mweyisa bulungi, nga mubeera abeesimbu era ab'amazima, nga munoonya ekyo ekisanyusa Mukama waffe. Temwenyigiranga mu bikolwa bya kizikiza kubanga tebigasa, wabula munenyenga ababikola."

***13-14*** Olwo,……..13 &14……
1Yok. 1:7 Naye bwe tutambulira mu musana nga ye bw'ali omusana, olwo tussakimu buli muntu ne munne, n'omusaayi gwa Yesu Omwana we, gutunaazaako buli kibi kyonna.
Lnny.9 Era bwe twatula ebibi byaffe, ye mwesigwa era mutuukirivu okutusonyiwa n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna.
Nkiwa nti eddembe ng'elyo kwe kuyaayaana kwa buli omu, abakitegeera n'abatakitegeera…..